IS GASHUMBA AND AISHA NABUKEERA IN TEXAS ALREADY?

Posted by Ancient - 2008/01/19 08:06

ABATUZZE TWAGALA OGENDA NGA ABAZZADDE TULABE KU MWANA WATTU NGA TANAZILIKKA. AMERICA ANTI EKUFULA KYOTAYAGALA NGA TONAGISABA.

OBA BALINA EMEERE , OBA MATTA TEGAMALA...MPOZI NOKWOGERAKO OLUGANDA NGA TABANALWELABILA....what do we know?

NAYE KAYANJA YANDISABIDDE OMWANA OYO EBYESENTE NEBITALEETA BUZIBU. BAKILIZA NATI BASILAAMU?

==========

Re:IS GASHUMBA AND AISHA NABUKEERA IN TEXAS ALREADY?

Posted by kingo - 2008/01/19 08:18

IF AISHA IS SOON GETTING INTO THE THEATER, WE PRAY FRO HER. I DONT KNOW WHETHER PRESIDENT MUSEVENI FULFILLED HIS PLEGDE.

==========

Re:IS GASHUMBA AND AISHA NABUKEERA IN TEXAS ALREADY?

Posted by Ancient - 2008/01/19 08:21

Baby forum member kanumanga mwattu naye gwe olabika wakafudde sexy....kale sabya sabyako otukewendi...tulusitule nze nawe oyo Meli ne omubejja bajja tukaaba....

Welcome to the forum KINGO KONGO!

==========

Re:IS GASHUMBA AND AISHA NABUKEERA IN TEXAS ALREADY?

Posted by kingo - 2008/01/19 09:00

---

wattu nzijja. obwa baby natera okuvaamu kubanga kinuma. Nange njagala ntuule n'abakulu ku meeza emu tunyumye. Mumbejja ne Meli banatuwulira.

==========

Re:IS GASHUMBA AND AISHA NABUKEERA IN TEXAS ALREADY?

Posted by Meli - 2008/01/19 22:20

He ssebo kamu kamu gwe muganda, bubiri bubiri ndowooza gwe muzungu. Nze nninga ba sugar mummy be Uganda. Nnawulira Phad agamba mbu babayita ba Tukula Tubalinda. Awo wenyini wendi. Oli Mumbejja yakuba enta nga eyeyuna ki?

==========

Oba oluyita luto...Gashumba starts Rwandese radio

Posted by Phad - 2008/02/27 15:19

Frank Gashumba, Nabukeera’s guardian, could be sh270m poorer, but a commendable investor.

Snoops reveal that he is setting up his own radio station in Kampala.

Citizen's FM, based in Old Kampala, will broadcast exclusively in Kinyarwanda on a frequency between 97 and 98 FM.

There is a German technician to ensure that the radio hits the airwaves in late March. We hear Gashumba is hunting for the best in radio from Kigali, Rwanda and a few prominent Ugandan radio personalities who can speak Rwandese.

New Vision Friday, 22nd February, 2008

==========

Re:Oba oluyita luto...Gashumba starts Rwandese radio

Posted by sabuni - 2008/02/27 16:05

Aisha Nabukeera atandise okusoma

Friday, 22nd February, 2008

Bya Angel Lubowa

AISHA nabukeera, akyakandaaliriddе okugenda mu Amerika okulongoosebwa atandise okusoma mu City Parents School okumpi n'Olubiri lw'e Mmengo oluvannyuma lw'okutuula emyaka ebiri ng'ajjanjabwa ebiwundu by'omuliro.

nabukeera eyayokebwa omu-liro mu February wa 2006 ng'asoma P7 mu Nyendo Public School yeegasse ku City Parents mu lusoma luno ng'ali mu P7.

Kino kiddiridde Frank Gashumba eyakulira eby'okumusondera ssente okulwawo okumutwala mu Amerika okutereezebwa olususu.

Gashumba yategeezezza nti essaawa yonna asitula kubanga ssente ezibadde zibasibye zaafunise oluvannyuma lw'omukazi Omumerika Sincere okuwaayo obukadde 36. Obukadde 30 ze zibadde zaasondebwa ku 66 ezeetaagisa.

Yagasseeko nti nabukeera yali waakusitula nga November, 2 2007 kyokka ne kitasoboka olwa ofiisi ya Pulezidenti eyali asuubizza okubawa ssente ezaali zibulako okubawaako Doola 5000 zokka (8,000,000/- eza kuno).

Yagambye nti baawandiikidde ab'eddwaliro ly'e Shiriners Childrens Hospital e Texas mu Amerika libawe olunaku olupya.

==========

Re:Oba oluyita luto...Gashumba starts Rwandese rad

Posted by Sefrex - 2008/02/27 19:43

Wabula banange senga kibade kisoboka omukulu ono yandikomezedwawoko ku connectuganda netuwulira ye kenyini kyagamba kubigenda byogerwa ku plight ya Nabukera bambi. Bateesa banange mwe mugamba mutya banange??

==========

Re:Oba oluyita luto...Gashumba starts Rwandese rad

Posted by Meli - 2008/02/28 02:27

Kati Meanwhile ate yye Gashumba yafunye eziggulawo radio ennamba? Internet radio, pirate radio, oba radio ya FM oba nandiki AM, ate nga eri legal nemisolo misasule? Anti Uganda yensi ebiseera bino, omuddugavu atari we west okuggulawo business alina kumala kusasula misolo gyonna. Aah kozzi!! Kati radio yyo weeri?

==========

Re:Oba oluyita luto...Gashumba starts Rwandese rad

Posted by Meli - 2008/02/28 02:33

EEh, ensonga mbadde sigisomye bulungi. Mukulu Phad otangazizza. Bagamba obutebaliza ku munno buba bujja, Gashumba ssente ani yazimuwadde gwetubeera tumwebalizako? Yye byebatakole!! Kkwo okuba ssirubanga luto, lwakula kati lwawunga nokuwunga, balukululira na ku kaliba.

==========

Re:Oba oluyita luto...Gashumba starts Rwandese rad

Posted by omumbejja - 2008/02/28 07:31

O luusi kiba kirungi noddamu ebintu wano nga tomaze kusoma kubya munno mpozzi nosoma mutwe naye oluusi nagwo gubuza buza , Kati bwe mmaze okusoma ebya Meli nenelabira kiki kyenina okuddamu naye ndowooza tumale okwebaliza ku Gashumba naddala nga maze okututegeeza nti ssente zonna zabadde yetaaga azifunye .

Kati bannange wabeewo anyamba olwokuba munnaffe oyo yakyalako wano mulowooza ekirowoozo kya radio teyakifunye nga maze okuwulira enkyuka kyuka ze tufunye ku eno eyaffe nga kati alinda tumugambe bugambi nti nga bwetwaali tukuwulidde count us in, kati nange awo wemmalira nga Meli nti okuwunga lwandiwunze ngo mwaana amaze okutwalibwa mu ddwaliro okujjanjabibwa kati awo nebweba ndirukululidde ku kaliba tewandibaddewo asulira nsiingo naye nnyabo kino kikweeno kyennyini

==========

Re:IS GASHUMBA AND AISHA NABUKEERA IN TEXAS ALREADY?

Posted by Mirembe2007 - 2008/02/28 13:06

Katusabire Aisha asobole okufuna ekyo omuntu yenna kyeyandifunidde omwanawe bwaba nga ayina obusobozi.Mw. Gashumba bwaba yakuba omulanga nti ajja kuyamba Aisha basobole okumuza mumbeera ngabakozesa obujanjabi ffe bwetutanaba kutukako naye nga kyetagisa abo abalina omutima omulungi abaawayo kyebalina ngatebabuuzizza ngeliki kyebawaddeyo jekigenda kukozesebwamu naye ngabawayo kulwobulamu bwomwana oyo ye Katonda abongere, naye Gashumba bwaba yagufula mulyo natatukiliza ekyo kyeyeyama tumusabire kubanga alina ebanja ddene eri omwana oyo nabantu abasonda ssente.situganye okufuluma mu Uganda sikwangu era nejatwaala omwana oyo sibyangu bwaba teyayita mumateka agaakiliza okujjanjaba abantu abava munsi ezebweru gwate olaba abatuuze babwe benyini bapokyeza mu busenge webasokera olwobutaba nahealthy plan omuntu nabafaako lwakintu ekyo naye Gashumba ssente bazimuwadde zili mundyangaye katumusabile asoke okumala emikolo gya Aisha ezifikawo akolemu radio nebilala oba nokuwa omwana oyo fiizi kusente zebamusondera asobole okusoma ngatataganyizibwa kumugoba lutata olwa fiizi.Mw. Gashumba togula musente zomwana ekintu kyonna ngatonatukiliza kyeweyama kuba ojja kufa okuswala era togenda kuddayo kwesigibwa songa walaga omutima bwewawulila nti omwana Aisha ayidde.

==========